# Ebya munnamateeka Mabiriizi tebinnaggwa

Bya HARRIET NAKALEMA

EBYA munnamateeka Male Mabiriizi bikyalanda oluvannyuma lwa kkooti okumuggyako emisango gy'abadde awerennemba nagyo n'emuggulako emirala.

Bino we bijjidde oludda oluwaabi nga lukulembeddwaamu omuwaabi wa Gavumenti Richard Birivumbuka lwasabye kkooti okuggyawo emisango egibadde gyaggulwa ku Mabiriizi.

Birivumbuka yawadde ensonga n'ategeeza omulamuzi wa kkooti ku Buganda Road, Ritah Neumbe Kidasa nti, okusinziira ku tteeka erifuga enkozesa y'ebyuma kalimagezi eryasaziddwaamu kkooti etaputa Ssemateeka, oludda oluwaabi lwasazeewo okuggya enta mu musango guno nga bateekesa mu nkola ebyasaliddwaawo kkooti.

Omulamuzi yakkirizza okusaba kwabwe era emisango n'agiggyawo era kino kyaleese akamwenyu ku matama ga Mabiriizi, wabula nga n'akataayi tekannasala, ono bazzeemu ne bayita fayiro y'emisango emipya ekintu ekimuggye mu mbeera n'atandika okuyising'anya ebigambo n'omulamuzi.

Waabaddewo okusikang'ana omuguwa nga Mabiriizi asaba kkooti okumuwa obudde asooke yeerowooze oba nga ddala mwetegefu okusomerwa emisango gy'abadde tamanyiiko mayitire.



Mabiriizi nga bamusomera emisango emipya egyamugguddwaako.

Omulamuzi yagenze mu maaso n'okumusomera emisango emipya era ebiri egisooka kigambibwa nti, mu January wa 2026 mu bitundu bya Uganda eby'enjawulo okuli disitulikiti y'e Kampala ne Wakiso yafulumya amawulire amakyamu ng'ayita ku mukutu gwe ogwa ***TikTok*** mu mannya ga @male. mabirizi, n'assasaanya obubaka mwe yategeereza nti, Ssaabalamuzi w'eggwanga Dr. Flavian Zeija mufere era muli wa nguzi n'ebirala.

Ono teyakoma ku Ssaabalamuzi, wabula yawalampa omulamuzi wa kkooti ejulirwamu Musa Ssekaana ng'agamba nti, mufere era mubbi ekitali kituufu.

Omusango ogwokusatu ogumugguddwaako gwa kuddukanya mukutu gwa mpuliziganya ogwa ***TikTok*** mu mannya ga ***@male.mabirizi*** nga talina biwandiiko ebimukkiriza kuddukanya mukutu gwa ***TikTok*** kuva mu kitongole ekivunaanyizibwa ku kulondoola n'okulambika ebigenda ku mpewo ku byempuliziganya ekya UCC.

Mabiriizi bw'abuuziddwa oba nga gino yagizza n'ategeeza nti, si mwetegefu kukkiriza oba okugaana kubanga omulamuzi yagaana okwesonyiwa okuva mu misango gye ng'akimanyi bulungi balina embiranye era nti, kkooti terina lukusa luwulira misango gimugguddwaako, era nti tegirina njawulo na gimuggyiddwaako.

Ebyo byonna omulamuzi tabifuddeeko era omusango agwongeddeyo okutuusa nga April 15, okuwa ensala ye ku Mabiriizi by'awakanyizza.